Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by Kalibattanya - 2007/09/08 22:43

Londa n'oluyimba olukusingidde obubi. Tutegeeze nensonga lwaki omuyimbi oyo kulwokuyiya n'okuyimba oluyimba lwe olwo yasaanidde okutwaala ekirabo kyekisitafeli omwaka guno ogwa 2007. Londa abayimbi bonna boyagala mu bungi, omuyimbi anasinga okuba nga elinnya lye lilondebbwa bangi nda ye wekisitaferi ekineene.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by omumbejja - 2007/09/08 23:02

KIWEEWA NEGGAALI EKOZEEKO ENGELI JAKUWA ENSONGA MBUBAMUTWAALA YONNA MUBBALA BULI OMU NAMWEGWEERA EKULAGILA DDALA OMUNTU ATAYAGALA KUTAWAANA MUKYONNA. OMULALA MUKYAALA EYAYIIMBA MBU YE AFUMBA NAMUJJAWE MBU OMWAAMI SIWUWE YEKKA NGA LWAAKI TANOONYA OWUWE NEBWAABA MWAAVU NAYE NGA TOMUGABANYE BIYUNGU. NJAKUDDA NOONYE ABALALA.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by Kalibattanya - 2007/09/08 23:44

Yadde nga Omugenzi Paulo Kafeero yatuvaako, naye yatulekera omulimu muneene ogujja okumala emyaka nga gwowerwako abaana nabazzukulu. Oluyimba lwe OMWANA WOMUZUNGU, ndulonze okufuna ekisitaferi. Ensonga zokwagala abazungu ssi nayngu bwezityo. Emboozi eno mukwano gwaffe omugenzi yagijjula nga teyidde, oba kabe kasinge nga mbisi.

Mathias Walukagga yanyimbira tugende e Nnambole anyumira ennyo. Naye Oluyimba lwe UGANDA ESAANA KUVIIRA lusaana nalwo ekisitaferi. Ggwe ate ffenna bwetunaviira Uganda, tufuuke ababombozze, tulifuna wetussa omutwe? Olwo abaana balisikira ki, kubomboola? Ekisinga abali ebweeru bamanye, era nga bwebakola, nti abali eka bakuumye akafo kaffe, naffe kyetusobola tuyambe. Naye nabo basiime.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by Kalibattanya - 2007/09/13 00:20

Oluyimba OLI SPARE TYRE Olwa Sophia Gombya nalwo nduwadde akalulu ke kirabo kye kisitaferi. Tewali nsonga eleeta muntu mu lukungaana kutandika kwanjula nsonga ziri petty ate nga zakuvuma bantu bonna abali mu luyimba. Ggwe ate mujja we spare tyre ate mpisi, ate bba makombo ga mpologoma empisi gelya.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by Meli - 2007/09/19 05:03

Enyimba zekisitaferi nnonze bbiri, Olusooka sijja kulwogera. Ensonga elunnondesezza yadde nga omuyimbi mwagala nnyo nnyo ddala, kubanga mmanyi tewali ajja kumpagira. Naye nga omwaami gwebayimbako mu luyimba teyalaga buvunaanyizibwa mu luyimba olwo. Ggwe ate okumuyita okulaba omwana we nagamba nti abakazi bepanka nnyo, kweggamba omwana nga yanasasula ebya bakazi bonna?

Olwokubiri lwe lwa Obukazi Obutono Bulina Ekyaama. Kubanga sirowooza nti oluyimba luno lulina point. Abantu bonna batono, banene, bawanvu, bampi, bakazi, basajja, abenkyakya nabatalina, buli omu alina ekyaama kye, mu ngeri omwami ono gyategeezamu. Ate nekyokukalya akakazi nekamulema okumalawo, sakitegera, olwo nyina wako akole atya nga akaana ke okalidde okamazewo? Mbu nakakwata nakayuyayuya!! Nga olwo lwonna!!!

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by omumbejja - 2007/09/19 05:22

---

oluyimba lwoyogerako ndumanyi era nkuwagila nage kyesategeera kati olwo omwaan ssalumanya lwaaki bamuleeta munsonga singa yali tayagala mwaana simple zip gyomyumyuula.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by Meli - 2007/09/19 06:08

Hahahahahahah ssebo omumbejja, kituufu zip bazimyumyuula?

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by luutu26 - 2007/09/19 10:24

Meli oluyimba lunno oluyitibwa OBUKAZI OBUTTONO BUMANYI OKWAGALA luyina amakulu era ne connect uganda elukuba nyo ayina wagambira nti nakakute nenkayuyayuya banange akantu kandaze okwagala. Kati waliwo olwa Abdu mulasi olugamba nti NJAGALA ABAKAZI NJAGALA BAKAZI BANTUBANGE lwelwali tute ekyomwaka.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by bennita - 2007/09/19 11:14

---

ezo zona zemulonze tezandibade mbi naye waliwo oluyimba nze lwentera okuwulira ne manya nti eyo connect ne bweba nga siwuridde bigambo ne mpulira ekidongo banange omwana mulenzi asunna endongo nawe woli nomera olutiko era nga oluyimba olwo lwe lwa happy birthday vasion eya DJ MIKE,, ne bweba mukinabiko nasunna endongo manyi nti connect ate bwatandika okuyimba awo negujjabagira:whistle: :whistle: :whistle: era bambi tejandinsanyusisa nga oluyimba olwo mulubusiza amaaso.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by omuana isaacs - 2007/09/19 11:42

Omuyimbi Harriet Kisaakye simanyi kiki kyetwamukola nga abasajja kubanga yatusoosa mu kyuppa eyo netubuukayo ate kati awera nti SONGA MBELE NGERI YAKIMAFIA, mbu bwakusanga ositudde taleekana naawe olisanga asitudde naye abaganda bagamba nti ogubula eyeguya.....(Kakunizo) awo wemulondela kungule yekisitafeeri 2007.

Noluyimba lwa TITI olugamba nti NSANYIWA FAAZA.....nze ndaba teyalimwetegefu kusonyiyibwa wabula okwewanila ku faaza kubanga agenda nagamba nti " nsabila faaza oyo omusajja asenguke awo aveewo kubanga mwemulaba nmbyelabila ebya taata wabaan nga tuddamu ate...." ela nayongera okwewanila ku faaza nti " Twatandika mpola mpola nze nendowooza ndimuta. naye okuvolwo simuta faaza omusajja mukambwe oli hhaa!!! tebeleza ayongelako ka "hhaa" okwotekubeela kwewanila kumusajja wakatonda eyesonyiwa ebyamaka aweeleze Ddunda????

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007
Posted by Meli - 2007/09/19 19:56

Omuana mwattu yogerako ku kwenenya kwa Titi kuno! Nange nnalaba nga oli eyewaana obwewaanyi, ate era nange ka "hhaa" kansesa naye kannumya nnyo. Olwo oluyimba ekisitaferi 2007 kirusanidde.

Bennita nawe nkuwagidde ku Jjita ya DJ Mike eyo Binsobedde nakayimba ka Happy Birthday. Ako ndaba katandike ne list y'omwaka ogujja.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007

Posted by omumbejja - 2007/09/19 20:17

Naye Benita nze eyo endongo ngayansanze ndyeyiwako ntekako gookya nnyo ate full blast, kuba ewulikika nga musisi oyinza okwesanga nga tap e freezinze nemutandika okuvaamu ice cubes nga zezikuyikila kale olulala wegendelezanga wa wogitelako nekiki kyooba okola, bwekusanga olya oyinza okwefumita wuuma olulimi kuba oluusi ekka, ate netumbuka nga to tegedde, era wegendelezanga toyokyanga omuntu aenviiri nga kweri ogenda kumalirizza ngo mukubye esanilizo ku mubili ate nga kyookya. Naye mumanyi weyetagisiza ngooli omutima gwe gusirise aba akyesisiggilizza okudda engulu, nagiwulira wali wetabukila awo asikuukawo busikuuzi mbiro, but hey guys nze nebwemba nina wendaga mbisazaamu mmale oggiwulira ekyomukisa siluyimba kutukwaata kumutwe . Mukusooka nebuuza nti naye ddala ddala lwaaki abawangudde alina bayimba nga kuba binsobedde? naye nenkizuula nti eringa nsolosozi wekulumye wakusiiwa naye ate bwotakulawo newakubabukilira but you go ahead and scrach it any way

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007

Posted by Kalibattanya - 2007/09/29 13:27

Ate olwekiwuwunavu nga HOUSEGIRL olwa OBSESSION mbadde siruwulilanga! Bwabeera nga omukyala atudde takola waliwo emboozi menyumizibwa. Naye bwabeera nga akola nga naawe bwokola, kabe kasinge nokukusinga, ebeera mboozi ya kiwuwunavu nnyo. Kubanga ayinza okulaba nga otandikiriza house girl namugoba, anti yawandiika abakozi, na aleeta houseboy, nga amufaako okusinga ggwe bwomufaako,naye namweyagalira. Ababiyimba bakulira wa? Luno baluwe omusiri gwonna ogwe bisitaferi kubanga telulina kyeluzimba myooyo, terulina kyelugasa mu society.

==========

Re:Londa N\'oluyimba Lwekirabo Ky\'Ekisitaferi 2007

Posted by Meli - 2007/10/05 05:32

Oluyimba lwa Catherine Kusasira oluyitibwa WAFUUKA BIKADDE, nalwo nduwadde akalulu ke kisitaferi. Kaakano abantu bangi nnyo abawukana, singa bonna bbetandikangana ko entalo bwezityo, singa ensi eri mu ssematalo oba wakumeka! Abantu balina kuyiga kutunula mu maaso gyebalaga nakufuba kufuna nate ssanyu, okusinga okulowoleza mu kudda emabega nti balumye bebalekayo. "Mbu gwennafuna alina ne ssente okukusinga", nga byonna byaaki ebyo? Bannaffe abayimbi n'abalala abatunyumiza emboozi, bateekwa okwebuuza, emboozi zino lwaki nga zibeera zinyumizibwa. Sikumala ganyumya biboozi boozi bitalimu nsa.

==========